Bukedde

Mmande February 9, 2025



ISMAIL MULANGWA

Omuteebi wa Uganda, Sylvia Kabene (wakati) ng'alwana okuteeba ggoolokipa wa Zambia Mwila Mufunte.

# EYA UGANDA ERI WAZIBU

Bya ISMAIL MULANGWA

**Egisunsula U/20 Women's World Cup;**
Uganda 1-1 Zambia

TTIIMU y'eggwanga ey'abawala abali wansi w'emyaka 20 (Queen Cranes) eyolekedde olusozi gambalagala okulumba Zambia e Ndola mu Levy Mwanawasa Stadium egiwandule mu gisunsula abalizannya World Cup egenda okuyindira e Poland mu September w'omwaka guno.

Kiddiridde okulemagana (1-1) ku Kadiba ku Lwomukaaga nga balina okudding'ana e Zambia ku Lwomukaaga February (14) okufunako asisinkana Ghana oba South Africa ku luzannya oluddako.

Agnes Nabukenya ye yateebedde Uganda kyokka ng'ekitundu ekyokubiri kyakaddamu, Zambia n'ekuba ey'ekyenkanyi eyakutudde Bannayuganda. Omutendesi wa Uganda, Sherly Botes yakkirizza nti "Tulina olusozi lunene kyokka tusobola okuwangulira e Zambia ne bayitamu,".